

S·4 LUGANDA HOLIDAY WORK

Wandiika omulimu guno mu kitabo kyo ekya p335/1 (write this work in your Luganda paper 1 books)

OKWOGERA (SPEECH)

Ensonga enkulu ze tuteekwa okulowoozaako buli lwe tulowooza ku kwogera ze zino:

- Omutwe
- Okwebaza akuwadde omukisa okwogera
- Okumenya bantu abaliwo
- Okubuulira abantu amannya go
- Ekiti ky'oyogerreddemu
- Okwanjula ensonga gy'ogenda okwogerako-
- Omulamwa /ekinyusi (Okuwa ensonga ezikwata ku mutwegw'oyogerako era buli nsongha eteekebwe mu kiba kyayo)
- Okufundikira nga weebaza abakuwuliriza

Ekyokulabirako

Gwe mukungu avunaanyizibwa ku mbeera z'amaka mu ggombolola yammwe · oyitiddwa okwogera eri abafumbo ku ngeri ez'enjawulo ez'okutebenkezaamu obufumbo bwabwe· Wandiika by'onooyogera·

ENGERI Y'OKUTEBENKEZAAMU OBUFUMBO

Njagala okwebaza olw'omukisa guno ogumpeerreddwa okwogerako gye muli·

Ssebo mayor wa Kyengera Haji Abdul Kiyimba, omukulu w'omuluka gwaffe mw-Kiryowa Kaggwa, ssentebe wa LC1 mw-Eddy Nsubuga, abatuuze b'omu kitundu wenna mu biti byamwe mbalamusizza.

Amannya gange nze Nseegulamirambo Calvin era nga nnyimiridde wano ng'omukungu avunaanyizibwa ku mbeera z'amaka mu ggombolola eno.

Amaka mangi gasasise lwa kuba abafumbo tebafuddeyo ku ngeri gye bayinza okutebenkezaamu amaka gaabwe era nga kyandibadde kirungi okufaayo ku nsonga zino ;

Omwami n'omukyala basaana okuwaṇjana ekitiibwa nga bali mu bufumbo bwabwe.

Okukola ennyo kuyamba okutebenkeza amaka anti olwo awaka waba wajja kubaawo ssente era ng'abantu basanyufu.

Okukuma obuyonjo mu maka nakyo kitebenkeza obufumbo anti olwo waba tewali ndwadde ziva ku bujama.

Omwami yenna alina okukola obuvunaanyizibwa bwe mu maka ng'alabirira bulungi abantu be.

Okutesanga ne mukkiriziganya nayo nsonga nkulu nnyo mu kutebenkeza amaka.

Omukyala yenna ateekeddwa okufaayo eri omwami we awamu n'abaana.

Abaana mu maka nabo basaana okukuzibwa obulungi kubanga nabo bwe bakuzibwa obubi baleeta obutabanguko mu makass

Mu bufumbo muteekeddwa okubaamu obwerufu mu nsonga z'ensimbi.

Abafumbo mufube nnyo okwewala obwenzi kubanga obwenzi butabangula nnyo amaka g'abantu

Mu bufumbo,mufube nnyo okwegendereza enkozesza yamasimu. Kiba kirungi nnyo buli ou okuwa essimu ya munne ekitiibwa.

Abafumbo mufube nnyo okwewala eñjambo kubanga olugambo luleeta nnyo obutabanguko mu maka·

Abafumbo bona abanaafaayo ku nsonga ezo bajja kutebenkera mu bufumbo bwabwe·

Mwebale nnyo okumpuliriza· Mbaagaliza obufumbo obutebenkevu·

OKUBUULIRIRA KWA SSENGA ERI OMUWALA AGENDA OKUFUMBIRWA·

Muwala wange Nakintu kati okuze,ogenda kufumbirwa· Ogenda mu ddya era manya nti obufumbo si kunaanya wabula bulimu ebirungi n'ebibi·

Mwana wange,obeeranga muguminkiriza nnyo mu buli mbeera enzibu·

Weesiganga nnyo mukama katonda wo eyakutonda n'akussa mu nsi·

Olabiriranga nnyo balo era n'omwagala nnyo kuba y'alina okuba mukwano asinga·

Omwami wo omuwanga nnyo ekitiibwa olwo n'abantu abalala basobole okumuwa ekitiibwa·

Obeeranga mukyala muyonjo nnyo era olongoosanga amaka go ne gaba nga gasanyusa·

Osanyukiranga abagenyi anti mu nju temuba kkubo buli akyama abeera mugenyi wo·

Obeeranga mukyala mugabi era balo tomulyangako ebyokulya asobole okunyimirwa amaka ge·

Obeeranga mukyala mukozi olwo nno amaka go galeme okubulwamu ekyokulya

Oyagalanga nnyo Ssezaalawo , nnyazaala wo ne balamu bo era obawanga ekitiibwa·

Omwami wo bw'akuniizanga obatikanga amazzi mu kamwa osobole obutamwanukula wadde okumuyombesa mu ngeri emu oba endala·

Tokkirizanga omwami wo okuva ewaka nga talidde n'agenda ng'enjala emuluma·

Mwana wange tonobanga kubanga ffe tetunoba anti ewa bazadde bo
tokyalinaayo kifo·

Nkwagaliza obufumbo obw'essanyu,mwana wange·

EBISOKO N'AMAKULU GAABYO (IDIOMS AND THEIR MEANING)

- 1·Ennyindo okuba enkata· _Kubeera munyiivu oba mukoowu·
- 2·Okufuulira omuntu ebigere· _ kudduulira/kukuddaalira muntu·
- 3·Okukifuuwa ng'okizza munda· _kwejjusa·
- 4·Omusango okukka omuntu mu vvi· _omusango okusinga omuntu·
- 5·Okuvaako bukumbu· _Kuviiira ddala ku kintu·
- 6·Omulwadde okukuba ku matu· _Omulwadde okutandika okuwona·
- 7·Okukuba omuntu enkata· _kuwa muntu ekintu ekyamaanyi·
- 8·Okukwata enkoko omumwa · _kukeera nnyo·
- 9·Okubukeereza enkokola· -kukeera nnyo·
- 10·Okulinnya omuntu ku mutwe· -kujooga bantu·
- 11·Okuliisa omuntu akakanja· -kubonyaabonya muntu·
- 12·Okumala eby'omu bulago· _kumala biseera·
- 13·Okusiika ebinyomo· _kumala biseera·
- 14·Okusimba olwa kasota· _kusimba lunyiriri·
- 15·Okuteeka ng'aga Lubigi· -kukkakana·
- 16·Omukazi omuyima oktuulira omuntu ku kisaabo·_kuloga muntu·

- 17·Okuvuirayo awo ng'ayokya omusota· -kukola kintu n'otobaako ky'ofunamu·
- 18·Okuwona Mayanja ow'olusenke· - kuwona akabi akaamaanyi·
- 19·Okuyisa omukka mu kisero· -Kukola ekintu ekyangu ennyo·
- 20·Okuyita ku lugwanyu· - kuwonera awatono·
- 21·Okweyiira amanzaali· -kulya emmere ensiike·
- 22·Okuyungula abawanvu n'abampi· -kuweereza abasirikale·
- 23·Kuzaala ebyeru makaayi by'azaalira ensiko· -kuleeta emitawana·
- 24·Okuzimba ng'ekisaka oba ng'obudde· -kunyiiga n'otuggubala·
- 25·Omusana okwaka ne guzuukusa Kaweekwa e Ggangu· - musana kwaka nnyo·
- 26·Okuzza ogwa Nnaggomola· - kuzza musango munene·
- 27·Okuzza ogwa Nnamunkululu· - kuzza musango munene·
- 28·Okwambala n'otonnya mmooli· - kwambala n'onyuma nnyo·
- 29·Okwebaka Bukeerere tebuzindwa· -kwebaka nnyo·
- 30·Okwogera nga gwe baasala akanyata· -kwogera nnyo·
- 31·Okuseka nnyindo yankolera· -kusekera waggulu nnyo·
- 32·Ennamusa okutuuka ku nnyooge· -embeera okwongera okwonooneka·
- 33·Okukuba ekintu oluku mu mutwe· - kumaliriza kukola kintu·
- 34·Okukwata omuntu entege n'amagulu· -kwegayirira nnyo muntu akuyambe·
- 35·Okuba nga g'okaaba g'okomba· -kuba na nnaku nnyingi naye nga tolina akuyaba·
- 36·Okusindika asitamye·-kulagira muntu kukola kintu kyangu·
- 37·kulya mungu buteesokoola· -kukola kintu kyangu·

- 38·Okukuba ejinja mu njuki--okwereetera ebizibu·
- 39·Okussa akasiiso· -kusiriikirira muntu n'akola ekintu ng'olingo atamulaba·
- 40·Okukuba embeekuulo· -kuzannya nga muleekaana·
- 41·Okubuuza akana n'akataano·- kubuuza muntu bibuuzo ng'omubuuza buli kimu·
- 42·Enkuba okutonnya n'erekwa ng'abantu bafumbya miyagi· --
--nkuba kutonnya nnyingi ate nga mbi·
- 43·Okubuuza enkima akabaata· -kubuuza kintu kirabika·
- 44·Obutasalikako musale· -kuba munyiivu nnyo oba mukambwe·
- 45·Okuyisaako ow'e Mbuya· -kukuba muntu miggo·
- 46· Okuba Nampulirazzibi· -Obutawulira bulungi·
- 47·Ensowera okugigobya olulimi--kuba mukoowu nnyo ate nga n'enjala ekuluma·
- 48·Ebigambo obutabaako mutwe na magulu· -Ebigambo obutaba bituufu·
- 49·Omuntu okuba nga tadduka awenneenya mbwa· -kubeera ng'adduka nnyo·
- 50·Okusuza abantu ku tebuukye· -Kusuza bantu nga tebeebase·
- 51·Ebintu okuba nga n'ow'emmindi asena-- bintu kuba bingi nnyo·
- 52·Okulya mu ndago· -Kuyimba·
- 53·Okussa ekimu ng'enkyege-- Kuteesa ne mukkaanya·
- 54·Okusekera mu kikonde· -kusekera muli·
- 55·Okusiba ebikutuka· -kulwala nnyo--
- 56·Okutwala omuntu nga talaba mu maaso na mabega· -kutwala muntu bubi·
- 57·Okuggirako omuntu enkoofiira· -kwewuunya muntu·

- 58·Okugwawo ekigwo· -kutya nnyo
- 59·Okusimba kasooli· -kutambuza bigere·
- 60·Okukoma ku mugo gw'entaana· -kuwona kufa·
- 61· Emboozı okugwa amakerenda· - kunyumya mboozi ne munyumirwa·
- 62·Okufuuwa ekintu mu ηηombe-----kufiirwa oba kwerabira kintu·

BIKOMYE WANO